



Eby'okuyiga bino eby'obukrisitaayo bikulekeddwa muliranwa wo:



Present Truth Magazine
www.PresentTruthMag.org

KIWEDDE !



Kyonna ekyetaagisa okukola okufuna obulokozi bwaffe kituukirizibbwa olw'okukola n'okufa kwa Kristo ku musaalaba e Gologoosa. Omulimu guno, Kristo yagukola yekka (Isaaya 63:3), nagumaliririza ddala mu bujuvu (Bebbulaniya 1:3)

Nsambye esoglero omu nzekka; so ku mawanga tekwali n'omu eyali awamu nange. Isaaya 63:3.

Oyo bwali okumasaamasa kw'ekitiibwa kye n'ekifaananyi kye ddala bwali, era kwasitula ebintu byonna n'ekigambo eky'obuyiinza bwe, bwe yamala okukola eky'okunaaza ebibi, natuula ku mukono ogwa ddyo ogw'obukulu waggulu. Bebbulaniya 1:3.

Tewali muntu oba malayika ayinza okugatta ekintu kyonna ku mulimu Kristo gwe yakola (Mubuulizi 3:14; Baggalatiya 3:1-7). Byonna Kristo bye yakola by'ali ku lwaffe.

Kristo okwambala omubiri gw'obuntu, yakikola ku lwaffe (Isaaya 9:6)

Kubanga omwana atuzaalidwa ffe, omwana ow'obulenzi awereddwa ffe, n'okufuga kunaabanga ku kibegabega kye: n'erinnya lye liriyyitibwa nti Wakitalo, Ateesa ebighambo, Katonda ow'amaanyi, Kitaffe ataggwaawo. Isaaya 9:6.

Teyalibadde Mwana wa muntu, naye ekyo yakikola ffe tulyoke tubeere abaana ba Katonda. Teyandyefaananyiza na mubiri gwa kibi, naye ekyo yakikola alyoke atufaananye nga Katonda.

Yafuulibwa ekikolimo ku lwaffe (Bebbulaniya 3:13).

Kristo yatununula mu kikolimo ky'amateeka, bwe yafuuka ekikolimo ku lwaffe: kubanga kyawandiikibwa nti: "Akolimiddwa buli awanikibwa ku muti." Baggalatiya 3:13.

Era yafa ku lwaffe (2 Bakkolinso 5:14).

Kubanga okwagaaala kwa Katonda kutuwaliriza, nga tulowooza bwe tuti ng'omu yabafiirra bonna, bonna kyebaava bafa. 2 Bakkolinso 5:14.

Yabetentebwa ku lwaffe era naziikibwa ku lwaffe (Isaaya 53:5; Bebbulaniya 2:14-15).

Naye yafumitibwa olw'okusobya kwaffe, yabeetentebwa olwobutali butuukirivu bwaffe: okubonerezebwa okwemirembe gaffe kwali ku ye; era emiggo gye gye gituwonya. Isaaya 53:5.

Kale kubanga abaana bagatta omusaayi n'omubiri, era naye yennyini bwatyo yagatta ebyo, olw'okufa alyoke azikirize oyo eyalina amaanyi ag'okufa, ye Setani. Bebbulaniya 2:14.

Yazuukira era n'alinnya mu ggulu ku lwaffe (Baruumi 4:25).

Naye era ne ku lwaffe, abagenda okubalirwa, abakkiriza oyo eyazuukira Yesu Mukama waffe mu bafu, eyaweebwayo olw'ebyonoono byaffe nazuukira olw'okutuweesa obutuukirivu. Baruumi 4:25.

Era ku nkomerero bw'anakomawo omulundi ogwokubiri, ajja kukomawo kulwaffe. (Yakaana 14:1-3).

Omutima gwammwe tegwerariikiranga: mukkiriza Katonda, era nange munzikirize. Mu nnyumba ya Kitange mulimu ebifo bingi eby'okubeeramu; kubanga ngenda okubateekerateekera ekifo.

Oyo abo asonyiyiddwa ennyo yasinga okuba n'okwagala. Bweweetegereza ebyawandiikibwa, ojja kulaba nti mu makulu agamu tewali kintu ng'ekyo Katonda okusonyiwa akatono oba okusonyiwa ennyo. Katonda asonyiwa byonna omulundi gumu oba tasonyiyira ddala n'akatono, oba nafe tuyinza okusasula ebbanja lyonna mu kitole kimu oba obutasasulira ddala n'akatono. Olw'ensonga eyo, Katonda talina maddaala. Yesu Kristo bwatuwa eddembe, tubeera ba ddembe ddala. (Yokaana 8:36).

Kale Omwana bwalibafuula ab'eddembe muliba ba ddembe ddala. Yokaana 8:36.

Ebigambo Paulo bye yagamba Firimoni by'ebigambo Kristo bye yagamba Kitaawe ku lwaffe nti: "Kale oba nga ondowooza nze okubeera munno, musembeze oyo nga nze. Naye oba nga yakwonoona oba abanjibwa, mbalira nze ekyo" Firim. 1:17-19.

Kale katuwulire okukaabakwe nti "Kiwedde!" tugende eri Katonda Kitaffe ku lwa Kristo. Oluvannyuma tetujja kuva gyali nga tetulina ddembe, naye tujja kubeera abasajja n'abakazi abaggya mu ye. 2 Bakkolinso 5:17

Bonna abenennya ebibi byabwe era ne bakkiriza Kristo ng'omulokozi waabwe era Mukama balina okusuubiza okw'amazima nti ebibi byabwe bisonyiyiddwa era nga balina obulamu obutaggwaawo. Oneeteeka wansi w'ekisa kya Katonda mu Kristo?

Saba okusaba kuno okwaangu eri Katonda naye tajja kugobera bweeru.

Mukama, mannyidde ddala ng'obulamu bwange bubadde nga bujudde ekibi n'okwerowoozako. Katonda wange nsonyiwa ebib byange era mbikaako n'obutuukirivu bwo. Okuva mu kiseera kino n'okweyongerayo mu maaso ntaandike okuba n'obwesige mu Kristo ng'omulokozi w'obulamu bwange era Mukama w'obulamu bwange. Bulijjo kankuyitenga olw'okusonnyiyibwa kwange; n'okunkwaatirwa ekisa mu Kristo era ka ntaandike okwagala n'okusonnyiya abantu abalala nga naawe bwe wanjagala era n'onsonnyiya era ne weewaayo ku lwange ku musaalaba. Nsabye mu linnya lya Yesu. Amiina.



Ku Iwa Kristo, “Mwatuukirira mu ye.” (Bakkolosaayi 2:10). Newankubadde nga tetusobolera ddala kutuukiriza wamu n’okumatiza ebyo amateeka bye gaagala, obuwulize bwa Kristo obutuukiridde butubalirwa era ne butuyimiriza mu maaso ga Katonda nga tetulina musango. Oo! nga butuukirivu bwa kitalo, obutuukiridde mu butuukirivu bwa Katonda mu Kristo! Eriiso Iya Katonda ow’obuggya erye-kkeneenya, oba eritakweekebwa kintu nga linoonya obubi kubuli ludda, terisobola kubulaba olw’obutuukirivu bwa Kristo Yesu Mukama waffe. Katonda ne bw’agezaako nga kwasobola okupima n’okwekeneenya obutuukirivu bwa Kristo obutuweereddwa, bulijjo bwakusigala nga bulongoofu era nga butuukiridde, era nga bulimu kalonda yenna eyetaagibwa olw’okutaangirirwa kwaffe.

Okusasula Amabanja Gaffe

Olwokubanga tumanyidde mu nsi muno okugula ekintu obuliwo n’okusasula mu bitundutundu, mu buzibe bw’amaaso gaffe tuyinza okulowooza nti kisoboka okukozesa enkola eyo mu bulamu obw’omwoyo. Tulowooza nti bwe tukuuma agamu ku mateeka – agamu ne tugakwata bwe tutyo bwe tutyo, n’amalala bulungi, nti olwo tunaamatiza amateeka bye gaagala! Nedda!

Enkola eyo yonna, nkola ya

muzizo mu maaso ga Katonda. Lwaki? Lwa kubanga byonna ebikolebwa biva mu mutima omubi ogw’obutakkiriza. Naye ebbanja lyamala dda


okusasulwa era tuli ba ddembe mu Kristo Yesu. Tulina kukaaba ng’omusajja omwavu bwe yakaaba nti “Mukama wange ndi kusasula byonna” Naye, ng’omusajja oyo, tetutegeera bunene bwa bbanja lyaffe oba obwavu bwaffe obw’ekitalo!

Tetuyitiddwa kugenda ku lusozi Sinai, eri endagaano ey’ebikolwa, naye tuyitiddwa okugenda eri olusozi Sayuni, “neri Yesu Kristo omubaka w’endagaano empya, n’eri omusaayi ogw’okumansira ogwogera obulungi, okusinga ogwa Aberi (Bebbulaniya 12:18,22-24). Tegutugamba kusasula bbanja, obulamu okusasulwa obulamu bwaffe, nedda. Obulamu bwe bwa tuweebwa, n’ebbanja lyamala okusasulwa.



Era obanga ngenda okubateekerateekera ekifo, ndikomawo nate ne mbatwala gyendi; nze gyendi, nammwe mubeere eyo. Yakaana 14:1-3.

Ayagala okuzimba ekizimbe ekiwanvu atekwa okusima omusingi nga mugazi atenga gukka wansi nnyo. Enteekateeka y’obulokozi esangibwa mu bwetoowaze obutakoma obw’Omwana wa Katonda. (Bebbulaniya 1:1-3).



Katonda edda bweyayogereranga mu bintu ebingi ne mu ngeri ennyingi eri bajajja baffe mu ba nabbi, mu nnaku zino ez’oluvannyma yayogerera naffe mu Mwana, gwe yassaawo okuba omusika wa byonna, oyo bwali okumasaamasa kw’ekitiibwa kye n’ekifaananyikye ddala bwali, era kwasitula ebintu byonna n’ekigambo eky’obuyinzabwe, bwe yamala okukola eky’okunaaza ebibi, natuula kumukono ogwa ddyo ogw’obukulu waggulu. Bebbulaniya 1:1-3.

Ate nga ddala yeefeebya mu mutindo gw’obuntu era ng’omuntu gwe banyooma ne tutamuyitamu ka buntu. (Zabbuli 22:6-8; Isaaya 52”14-15).

naye nze ndi lusiringanyi so siri muntu; Abasajja gwe bavuma, n’abantu gwebanyooma. Bonna abandaba bansekerera ne banduulira: bansooza ne mimmwa gyabwe, banyeenya omutwe, nga boogera nti weeweeyo eri Mukama; ye amulokole: “Amuwonye, kubanga amusanyukira!” Zabbuli 22:6-8.

Ng’abangi bwe baakwewuunya, amaaso ge gaayonooneka bwe gatyo okusinga omuntu yenna, n’embala ye okusinga abaana babantu, bw’atyo bwalimansira amawanga amangi, bakabaka balibuniza obumwa bwabwe gyali: kubanga kye batabulirwanga balikiraba; ne kye bawuliranga balikitegeera. Isaaya 52:14-15.

Okwetowaza kwe kwali kw’amazima era nga kwa kyeyagalire mu maaso ga Katonda n’eri omuntu. Tekigambibwa nti ya toowazibwa, naye nti “yeetoowaza ye ku bubwe”. (Abafiripi 2:8).

Era bwe yalabikira mu mutindo ogw’obuntu, ne yeetoowaza, nga muwulize okutuusa okufa, era okufa okw’oku musalaba’. Abafiripi 2:8.

Kristo yajja ku nsi kuno mu mubiri ogw'okutoowazibwa kwaffe era yazaalibwa "ng'afugibwa amateeka' ate nga ddala yali "Katonda atenderezabwa emirembe gyonna' Baruumi 9:5.

Katonda ow'emirembe yazaalibwa mu kiseera ekituufu. Omutonzi yafuuka ekitonde. Eyali yenkanankana n'Omukadde eyakamaze ennaku ennyingi yafuuka omwana omuwere ow'ennaku ennyingi. Enjuba okuva mu kitiibwa kyayo n'efuuka akantu akasirikitu, Malaika okuva mu ggulu n'afuuka olusiringanyi, si kwefeebya kwa kitalo! Kubanga nabyo byali bitonde okusooka, n'olwekyo byandibaddewo, mu mbeera eyo newankubadde nga binyoomebwa.

Omutonzi w'ebitonde byonna okufuuka ekitonde kyama ekisukiridde okutegeera kw'abantu. Ebbanga wakati wa Katonda ne malaika asembayo okubeera owa waggulu teripimika. Bwekityo, Kristo yafuuka omuntu, so si malaika. Yeetoowaza, n'abantu baamunyooma. (Isaaya 53:2-3).

Kubanga yakulira mu maaso ge ng'ekisimbe ekigonvu era ng'ekikolo ekiva mu ttaka ekkalu: talina mbala newankubadde obulungi; era bwe tumulaba, nga tewali nakalungi akatumwegombesa. Yanyoomebwa nagaanibwa abantu; omuntu ow'ennaku era eyamanyiira obuyinike: era ng'omuntu abantu gwe bakweeka amaaso gaabwe bwe yanyoomebwa bw'atyo ne tutamuyitamu ka buntu. Isaaya 53:2-3.



Yayitibwa Beeruzebuli, omwana eyazaalibwa nga talina Kitaawe oba "omwana w'omubazzi". Mu kuwozesebwa kwe, baamuyita "Ono." (Matayo 26:61).

Kubanga mutegeera ekisa kya Mukama waffe Yesu Kristo, nti bwe yali omugagga, naye nafuuka omwavu kulwammwe, obwavu bwe bulyooke bubagaggawaze mmwe. 2 Bakkolinso 8:9.

Yajja mu nsi muno, naye teyalina we yali ayinza kuteekebwa nga muwere. Yatambula mu nsi muno, naye teyalina we yali ayinza kuteeka mutwe gwe. Bwe yafa, teawaali kifo we baali balina kussa mulambo gwe. Bwe yatwala ekifo kyaffe, teyalina kantu. Ng'omuntu omu bwe yayogera nti, "Yagenda akka wansi, akka wansi, okutuuka lwe yatuuka we yali takyasobola kweyongera kukka wansi". "Tuyinza okwetoowaza mu bulamu buno, naye nga tetufuddeeyo ku buziba bwe tuyinza okukka, bulijjo eriyo ekifo ekya wansi. Naye si bwe kyali eri Omuntu ono. Katonda atakoma, ajjudde amagezi mu mazima gonna yalyogedde nti, "Nyinza okunoonya mu ggulu lyonna, oba mu nsi yonna, naye ne sisobola kulabamu kifo kya wansi gye nsobola okugenda".

Omuntu yamennya amateeka n'anyiiza Katonda. Bwe kityo Katonda ye kennyini yafuuka omuntu alyooke azibe ekituli n'okuggyawo ekibi ekyakolebwa. Ekitiibwa ekisembayo okuba ekya waggulu amateeka kye gafuna kwe kutuusa omuntu nga Kristo Yesu okuyimirira mu maaso g'amateeka nga gamuvunaana n'okusasula ekyo kye gaali gasaba (kufa). Kino kyali kya kitibwa nnyo, nga kisingira wala nnyo ekitiibwa ky'amateeka singa omusaayi gwaffe ffena ogwaliyiise, n'okuteeka ekikolimo ku bitonde byonna. Si kya muwendo nnyo okulaba ng'emunyeeny zisulibwa enjuba ery'oke esiikirizibwe. Ng'obukulu bwa Kristo bwe buli bwe kityo bwe bwali obukulu bw'okutoowazibwa kwe; era ng'obukulu bwokutoowazibwa kwe bwe kwali ne Kristo gye yakoma okuba ngatuukiridde era mumativu, era ffe netuba nga tutuukiridde ne tutasaagasaagana mu kusanyusibwa kwaffe. Singa Kristo teyessa nnyo wansi, essanyu lyaffe n'eddembe telyalisukulumye nnyo waggulu! Obuwanvu bw'omusingi, kwe kusinziira obuwangaazi n'obugumu bw'ekizimbe, era "nammwe muli nnyumba ya Katonda" eyasimbibwa "ku musingi" (1 Bakkolinso 3:9-11)

Mu kitangaala ky'omusaalaba, omutima guyinza okukaabira Kristo,

"Okusingibwa omusango kwali ku kwe, obutuukirivu bwe bulyoke bubeere obwange—obulumi bwali bubwe, eddembe lye libeere eryange—Ggwe wakubibwa emiggo, nze ndyoke mponyzezebwe—Ggwe waweewwa omwenge ogwali gutabuddwaamu omususa, omubisi gw'Enjuki gulyoke gubeere ogwange—Ekikolimo kyali ku ggwe, omukisa gulyoke gubeere ku nze—Ggwe wattikkirwa engule eyamaggwa, engule ey'ekitiibwa eryoke ebeere eyange—Ggwe wafa, obulamu bwo bulyoke bubeere obwange—Wasasula omuwendo, nze ndyoke nsanyukire mu busika."